Connect snacks
Posted by Kalibattanya - 2007/09/10 15:20

Buno oyinza nokubuyita obumpwaki mpwaki, obulibwa libwa ko awo. Ssi meal yenyini, oluusi abakulu bamanyi nokubulekera abato. Sso nga sikituufu okubunyooma, bwa kintu kiramu bulungi. Katugambe nga enswa, embisi endiire ku kiswa. Ogatta adventure ku doing a live snack. :) Now that's my best!

==========

Re:Connect snacks
Posted by luutu26 - 2007/09/10 15:51

Obumpwaki pwanki sibubi naye businzira mukifo mwobulira nga ojeko wanno abazungu bo tekimukwatako kasita aba nga asazewo kulya naye kati ffe ewaffe tosobola kuyimirira kukiswa notandika kulya nswa era buli akuyitako akwewunya

==========

Re:Connect snacks
Posted by Kalibattanya - 2007/09/10 23:35

Olusoggo lwenseneene ensiike, that's another mouth watering snack that I haven't tasted in years. Ate enseneene ezo nga ziriko omubisi gwe njuki, zirabika ziyinza okutaba ekiwanvu. Nga ojjeko nti ziwa amaanyi abagala okudda ebwengula. Mbu!!

==========

Re:Connect snacks
Posted by omumbejja - 2007/09/11 00:49

Mwana wakitange kalibattanya ensenene osooka zisaako munyo ,nolyooka oziweleba omubisi gwenjuki oba kati oyagalila ddala twefunila? nze mpulira bagamba shrimps, simanyi zo gyezajja bwagazi bwezigaba naye okusinziila bwenzifumba ekibadde ekikopo ekilamba nekafuukamu akajiiko mpozzi awo webutandikila okkasuka obusimu.Naye kano kendudde okulya enswa silowooza nti nkyasobola ozzilya embisi , waliwo oluusi adventure egendera ku myaaka .

==========

Re:Connect snacks
Posted by omumbejja - 2007/09/11 00:55

Luutu bwoba oli kukiswa nge nswa ozisizaako aga ttimba kumbwa bakiyita kubojjerera, ekikyaawula nti oba tokasuka lulimi nga kikere oba nnawolovu, ate abakulaba ngobojjerera bagamba bugambi nti eyesitukila tanywa matabangufu .okujjako oba olina okwegendereza enkuyege anti okwelinda si buti etambula egaludde.....

==========